NOVENA N'ABAMINSANI ABASAALE ERI MAAMA MARIA

Okukyala kwa Biikira Maria ewa Elizabeti



Novena eno yatongozebwa Ssabasumba w'Essaza Ekkulu ery'e Kampala, Dr. Cyprian Kizito Lwanga, nga 12 Maayi 2017, bwe twali tujjukira emyaka 127 bukya Pere Mapeera afa. Omukolo gwali ku Mapeera-Nnabunnya Pilgrimage Centre. Novena eno enabangawo buli mwaka ng'etandiika nga 25 June lwe tulamaga e Nnabulagala nga tujjukira Missa embereberye mu Uganda n'ekomekerezebwa nga 2 Julaayi nga bwe gwali ku Bajjajjaffe mu Kukkiriza mu 1879. NB: Mu budde obwo, wakati wa 1263-1969, 2 Julaayi lwe lunaku okwakujjukirirwanga okukyala kwa B. Maria ewa Elizabeti era eno y'ensonga lwaki ogwo gwe mutwe ogwokubiri ogwa Novena eno. Kyokka okuva mu 1969, olunaku luno lwakyusibwa ne ludda nga 31 Maayi.

Akatabo akatulambika mu Novena eno weekali nga katundibwa ku UGShs 3,500/=. Mu bufunze akatabo kano katuzzaayo mu byafaayo by'okwesingira B. Maria mu Kibiina ky'Abaminsani ab'Abafirika (White Father) nga mu bano mwe mwali muva Abaminsani abaasooka okujja wano mu Uganda. Era mu katabo kano mutekeddwamu enneebuulirira ya Paapa Francis ku Nnyaffe Bikira Maria essuubirwa okutuyamba mu Novena yaffe eno. Essomo erikwata ku kukyala kwa B. Maria ewa Elizabeti (Lukka 1: 39-56) awamu n'okwebuulirira kwa Paapa Francis ku lyo bye biwandiiko ebikulu mu Novena eno.

Ebigendererwa bya Novena eno ebikulu biri bibiri:

- Ekisooka, twagala nga tulabira ku Bajjajjaffe abo mu Kukkiriza tugende mu ssomero lya Maama Maria atusomese okutegeera n'okutuukiriza ebiruubirirwa by'Omwana we, Mukama waffe Yezu Kristu.
- Ekyokubiri, twagala twegayirire Omukama nga tuli wamu ne Nnyaffe oyo, abaweereza be Fr. Simeon Lourdel Mapeera ne Bro. Amans Delmas balangibwe mu lubu lw'Abeesiimi.

EMIRAMWA EGYA BULI BULI LUNAKU

OLUNAKU 1: Maria Nnyaffe Ajjudde Enneema

OLUNAKU 2: Maria Nnyaffe ow'Afrika

OLUNAKU 3: Maria Kabaka w'Abatume

OLUNAKU 4: Maria Kabaka w'Abajulizi

OLUNAKU 5: Maria Omuzadde Omuyambi

OLUNAKU 6: Maria Omuzadde Anyoleddwa

OLUNAKU 7: Maria Kabaka w'Emirembe

OLUNAKU 8: Maria Emmunnyeenye y'Okulangirira Evanjili Okuggya

OLUNAKU 9: Maria Ataliiko Bbala